Ebibuuzo n'okuddamu (Ebyafaayo by'akawuka)

Ekibuuzo. Akawuka akaleta sirimu kava wa?

Okuddamu. ensibuko y'akawuka kano ekubaganyizibwako ebirowozo; waliyo engeri nyingi ezogera kunsibuko yako. Esinga okuba eyo lukale eri nti kasale ensalo okuva mu nkima okuda mu bantu. Kungeri eno kigambibwa nti akawuka ke kamu akasangibwa mu nkima. Ensasanya y'akawuka okuva ku bisoro okude mu bantu si mpya mu byafayo okugeza; Ebola, Sinyiga we binyonyi. Akawuka akatambulira mu bisoro kufanaga na kawuka akaleta sirimu era kino kiritede abanonyera okubigata byombi. Mungeri eno emtambula y'akawuka okuva mu nkima okuda mu bantu temanyidwa.

Ekibuuzo. Nawulirako kunsibuko endala nyingi!

Okuddamu. ye, waliyo engeri nyini nyo. Waliyo ekitabo ekyawandikibwa nti akawuka kasasanyibwa mu bantu okuyita mu kugema olukusense mu Congo. Okunonyereza okuliwo kulaga nti tekyali kitufu wade tewali yavudeyo kikasa. Endowoza endala ziriga nti omuntu omu yakola akawuka kano kuta balala oba nti akawuka akasindikibwa okuva mubanga. Newankubade ngeri zino zogerebwa abalala naye teziwagirwa kunonyereza. Mukisera kino ensibuko entufu ey'akawuka tenamanyibwa.

Ekibuuzo. Kifayo?

Okuddamu. mungeri emu, tekifayo, tulina ensonga endala ezomugaso. Oba akawuka kava mu bwengula oba mu nkima naye ko wekali. Obukadde 40 obabantu balina akawuka ate obukadde 25 bafude. Ekyetegisa mukisera kino kwekumanya entangira yokwewalamu abapya okubufuna, obujanjabi, endabirira n'okuyamba abalina sirimu. Nebwetuzula ensibuko y'akawuka enkya tekyikyusa masima nti wekali era abantu bakirina.

Ekibuuzo. Ebyafo bya kawuka bye biriwa?

Okuddamu. akawuka kasoka okerebwa mu 1980's mu America, newankubade yaberawo emabega 1980. Omuntu eyasoka okuzuribwa n'akawuka yali ava mu masekati ga Afirika mu 1959. Engeri endala zalondolwa era zasangibwa mu Uganda, America, Haiti and Tanzania mu 1970's. Okunonyereza kulaga nti akawuka kayingira mu bantu okutandiika mu 1930's oba 1940's. Mu 1983 abanonyereza babiri okuva mu Bufaransa na America, bakyizula nti akawuka kaleta sirimu.